

05th November 2017.

OBUKULEMBEZE OBULUŊŊAMU.

Okuva 18.

Oluvannyuma lw'okuwangula olutalo n'Abamaleki e Lefidimu, tubuulirwa nti nga basiisidde okuliraana olusozi lwa Katonda, lwe Sinaayi. Tulaba leero nga Musa yeegattwaako Mukyala we ne batabani baabwe bombi, Ssezaala we bwe yabamuleetera ng'azze okumulabako. Nkiwa nti ebyaababaako mu ssuula 4:24-26 nga Musa avayyo ewa Yesero by'abaleetera okwaawukanamukko, kyokka nga mu kiseera kino Ssezaala we yalaba bwe kyagwaana baddiŋane.

Tusome nga bwe tweetegereza nny.1- 12.....

Tulaba akaseera k'obujulizi n'okugabana essanyu.....

Tujjukire nti Yesero yali kabona wa Mukama Katonda wa Isirayiri mu ba Midiyaani, nabo abaali bazzukulu ba Ibulayimu mu mukyala we ow'oluvannyuma Ketura. Era kigambwa nti bazzukulu ba Yesero be ba Keeni aboogerwaako mu I Samwiri 15:6.

Tusome nny.13-27.....

Wano we tulabira okuweebwa kwa Musa amagezi eri obukulembeze obulunŋamu, obwo obutaamukenule nnyo mumalamu bulamu, ate ne busobozesa abantu okuweerezebwa obulungi.

Ky'ekimu kye tulaba ne mu Bikolwa by'Abatume essuula 6, abakkiriza bwe beeyongera obungi, ne kyeetaagisa okubaawo abaweereza gye bali, nti kyasalwaawo Abatume ekkumi n'ababiri okulondamu mu bakkiriza nga bwe tugambwa mu nny.2 - 4 nti....

N'affe bwe guli nti kiba kyetaagisa, mu bakkiriza okubaamu abalina ebisaanyizo ebibagwaanira okuweereza eri ekkansa, abasumba ne bataba na mugugu muzito mu buweereza bwaabwe eri abantu n'eri Mukama, ate ne basobozesebwa okussa essira kw'ebyo bye bagwaanidde okussaako essira, okusobola okutuukiriza okuyitibwa kwaabwe, oba obuvunaanyizibwa bwaabwe.

Paulo Omutume yagamba bw'ati mu I Timoseewo 3:1-13.....

Mu byawandiikibwa omugenzi Omusumba Chuck Smith mu “Nnono Za Calvary Chapel” , agamba nti... “Kyaali kuba ngeri y’enfuga y’ekipiskopo eri Calvary Chapel. Tukkiriza nti y’enkola ya Katonda nti Omusumba afugibwa Mukama ng’ayambwaako Abakade okuzuula endowooza n’okwagala kwa Yesu Kristo eri Ekkansa Ye. Kino erudda kikolebwaako Abasumba abayambi.

N’olw’ekyo mu kuyigirizibwa kwaffe kube nti tweezuula, ate ne tuba n’ebisaanyizo okuyimusagana n’okuweerezagana, ng’omubiri Paulo gwayogerako mu I Kkol. 12, gy’ensaba ffena tufune obudde okusoma mu wiiki eno.